Palamenti ekkirizza Gavt. okwewola obuwumbi 700 ez'okufukirira emmwaanyi

Bya TEOPISTA NAKAMYA
ne SHAKIRAH AMINAH NALUGO

PALAMENTI ekkirizza Gavumenti okwewola ensimbi ezisoba mu buwumbi 700 okuyambako abalimi naddala ab'emmwaanyi okufukirira ebirime, wakati mu kuwakanyizibwa abooludda oluvuganya.

Ekiteeso eky'okwewola kyayanjuddwa minisita w'ebyensimbi, Henry Musasizi eyategeezeza nti zaakuva mu kitongole kya UK Export Finance ne Citi Bank. Yannyonnyodde nti, ebyobulimi bibadde bitubidde olw'ekyeya n'amataba, ekikosa ebyenfuna by'eggwanga.

Ensimbi zino, yagambye zaakuyamba okufuna ebyuma eby'amaanyi g'enjuba okufukirira ebirime. Ebyuma 427 bye bitunuuliddwa okukolebwa okufukirira yiika z'emmwaanyi 4,768.

Mu nteekateeka eno, abalimisa ku disitulikiti ne ku magombola be bajja okuwaayo amannya g'abalina obwetaavu bw'okufukirira emmwaanyi zaabwe. Amaka 2,562 ge gatunuuliddwa okuganyulwa mu nteekateeka eno.

Okusinziira ku Musasizi, wano Gavumenti ejja kukungula ttani z'emmotoka z'emmwaanyi ezikunukkiriza mu 8,893 era esolooze omusolo gwa buwumbi 66 n'obukadde 700.

Disitulikiti 66 ze zigenda okuganyulwa mu nteekateeka eno nga kuliko; Agago, Amuru, Gulu, Kitgum, Lamwo, Nwoya, Omoro, Pader, Buhweju, Bushenyi, Ibanda, Isingiro, Kazo, Kiruhura, Mbarara, Mitooma, Ntungamo, Rubirizi, Rwampara, Sheema, Buikwe, Bukomansimbi, Butambala, Buvuma, Gomba, Kalangala, Kalungu, Kassanda, Kayunga, Kiboga, Kyankwanzi, Kyotera ne Luweero. Endala kuliko Lwengo, Lyantonde, Masaka, Mityana, Mpigi, Mubende, Mukono, Nakaseke, Nakasongola, Rakai, Ssembabule, Wakiso, Bududa, Bulambuli, Manafwa, Mbale, Namisindwa, Sironko, Budaka, Busia, Butaleja, Butebo, Kibuku, Pallisa, Tororo, Buliisa, Hoima, Kagadi, Kakumiro, Kibaale, Kikuube, Kiryandongo ne Masindi.

Nnampala w'oludda oluvuganya, Paul Mwiru (Jinja South Division East) yawanise omukono n'asaba Gavumenti okukomya okukwata Palamenti amavumbavumba mu kuyisa looni. Yawagiddwa ababaka abalala ku ludda oluvuganya, abaagambye nti tebawakanya kutumbula byabulimi naye ekibaluma, ze looni ezizze zeewolebwa ne zitakozesebwa bye zirina kukola, eggwanga ne libeera mu kattu.